P.2 LUGANDA LESSON NOTES FOR TERM I

Kyosimba onaanya – kyolyako ettooke

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Ennyingo

Ekiwayi : Ennyingo eziwangaala

Ebigendererwa: Okusoma ennyingo mubtuufu bwazo

- **Okuwandiika ennyingo**

Ensomesa : Kunyonyola

- **Okukubaganya ebirowoozo**

Walifu

Okusoma walifu

a	e	i	o	u
w	y	c	h	ŋ
b	p	v	f	m
d	t	l	r	n
z	s	j	g	k ny

Okwawula ennukuta emperezi n'ensirifu

Okukola ennyingo n'okugatta ennyingo

ba - to = bato la – ba = laba ga – ba = gaba

ma – ta = mata p + e = pe g +o = go

f + u = fu

Ekinyusi : <u>Enyingo eziwangaala</u>

Zikolebwa nga ekigambo birina ennukuta emperezi ezisomebwa awamu/ennukuta emperezi nga zidiringannidwa mu kigambo.

Okugeza

ab**<u>aa</u>**na t**<u>aa</u>**ta mul**<u>ee</u>**te m**<u>aa</u>**ma muk**<u>ii</u>**bi

<u>Gata ennyukuta okole ennyingo eziwangaala</u>

b + aa = baa m + aa = maa

d +aa = daa t+aa = taa

f + ee = fee m + ee = mee

k + aa = kaa l + ee = lee

k + ii = kii p + aa = paa

Ebigamba

baaba	daaga	kaana
baana	feeza	mukiibi
maama	taata	leeta
baaga	taata	leega
maala	saaba	paala
maansa	kaaba	paaka

Omulimu

Wandiika ebigambo bitaano ebiwangaala.

Bbugubugu simuliro

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Ennyingo

Ekiwayi : Ennyingo eziwangaala

Ebigendererwa: Okusoma emboozi z'ebigambo ebiwangaala

- **Okukuba ebifaananyi okuva mu mboozi.**

Ensomesa : Kunnyonyola

- **Kukubaganya ebirowoozo**

Ekinyusi : Emboozi z'ebigambo ebiwangaala

Okugeza

- Maama anaaba
- Baaba akaaba
- Kafeero asaala
- Baaba atema omuti
- Mukiibi anaaza akaana

Omulimu

Soma okube ebifananyi.

1. Omukeeka guli ku mmeeza.
2. Omwaana akaaba.
3. Taata alina akataasa.
4. Mukiibi atudde kuntebe.

5. Baaba anaaba

Konoweeka – Tokalinda kusaaba ttaka

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Ennyingo

Ekiwayi : Ennyingo eziggumira

Ebigendererwa: Okugatta ennyingo ensirifu n'enjogeza

- **Okusoma ebigambo n'emboozi**
- **Okukuba ebifaananyi**

Ensomesa : Okunnyonyola

- **Okukubaganya ebirowoozo**

Ekinyusi : Gatta ensirifu bbiri n'enjoogeza emu okole ennyingo eziggumira.

Ennyingo ezigumiira zifunibwa nga ekigambo kigatta ennukuta ensirifu ezomudiriŋanwa

Okugeza

jj + a	= jja	mm + e	= mme
bb + a	= baa	pp + a	= ppa
ff + u	= ffu	pp + I	= ppi
gg + a	= gga	ss + a	= ssa
ff + e	= ffe	tt + e	= tte. nebirala

Ebigambo

jjajja	ccupa	jjamu	jjuza
bbali	ddiba	ddalu	ddamu
bbata	ggala	ddiza	ssimu
ffumu	ggobe	kkovu	ttaka
ffene	jjayo	kkobe	ppipa

Emboozi

Jjajja alidde eggolu

Ffene agudde

Jjemba muddize eddiba

Nakigudde atudde kuntebe

Omulimu

1. Soma okubebino

   ffene ssimu ekkovu

   eppipa eccupa ettaka

2. Essimu eri ku mmeeza.
3. Ffene ali mu kibbo.

Birungi sibirungi ng'omwana afaananye muliranwa

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Ennyingo

Ekiwayi : Ennyingo ez'ennyukuta essatu

Ebigendererwa: Okusoma ennyingo

- **Okujjuzaamu ennyingo ezibulamu**

Ensomesa : Okunnyonyola

- **Okukubaganya ebirowoozo.**

Ekinyusi : Soma en nyingo

mba	mbe	mbi	mbo	mbu
nfa	nfe	nfi	nfo	nfu
nza	nze	nzi	nzo	nzu
nka	nke	nki	nko	nku
nda	nde	ndi	ndo	ndu
mpa	mpe	mpi	mpo	mpu

Omulimu

Jjuzaamu ennyingo ezibulamu

1. nsa _____ _____ nso nsu
2. nta _____ nti _____ _____
3. nfa _____ _____ _____ fu
4. _____ nje nji _____ _____

Mwana mujimu ava ku ngozi

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Ennyingo

Ekiwayi : Ennyingo ez'ennyukuta essatu

Ebigendererwa: Okusoma ebigambo eby'ennyingo ez'enyukuta essatu

- **Okukozesa ebigambo mumboozi**

Ensomesa : OKUNNYONYOLA

- Okukubaganya ebirowoozo

Ekinyusi : Ebigambo eby'ennyingo ez'ennyukuta essatu.

Okugezza Okusoma ebigambo eby'enyukuta essatu

- **embaga**
- **ente**
- **embuzi**
- **entamu**
- **enziro**
- **entula**
- **ensuwa**
- **enva**
- **envubu**
- **enzige**
- **ensansa**

Emboozi

a) Enva ziri muntamu
b) Abantu batudde kuntebe
c) Enzige ziri munsuwa
d) Envubu eri mu nsiko

Omulimu

1. **Kozesa ebigambo bino mu mboozi**

entamu

embaga

ensuwa

enva

envubu

Gata enyingo okole ebigambo.

2. nsu
   - wa
   - lo
   - ku
   - ma


4. mba
   - ga
   - lu
   - zzi
   - vu


Tuma bino amanya

 omuti

 ukeeka

 emmotoka

 amazzi

 eccupa

 ekikopo

 ekibbo

 ikoola

Omulimu

Juzaamu ennukuta ezibulamu

 Omus __ta

 om ___lenzi

 m ___ ___ ma

 Ek __tabo

 ens ___wo

Laga ekigambo ekituufu

 Omupiira omupira

 dole ddole

 Ekiseero ekisero

 kappa kkapa

Mwana mubi – avumaganya nyina

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Essomero lyaffe n'emiriraano gyalyo.

Ekiwayi : Ebintu ebiraga essomero lyaffe

Ebigendererwa: Okwogera ebintu ebiraga essomero lyaffe

- **Okukuba ebintu ebiraga essomero lyaffe**

Ensomesa : Okubuuza no kuddamu

- Okunnyonyola

Ekinyusi : <u>Ebintu ebiraga essomero lyaffe</u>

Essomero lyaffe liyitibwa Cornerstone Junior school . Lisangibwa ku kyalo Kitete mu Mukono.

<u>Ebiraga essomero lyaffe.</u>

1. Yunifoomu n'akabonero
2. Oluyimba lw'essomero
3. Ekipande ekiriko erinnya ly'essomero
4. Bbendera y'essomero
5. Essaala y'essomero
6. Motto y'essomero

<u>Omulimu</u>

<u>Soma okube ebifananyi</u>

1. Yunifoomu nakabonero ka Cornerstone
2. Bbendera y'essomero
3. Ekipande ekiriko erinnya ly'essomero.

Basajja Mivule – gibwatula nejigumiza

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana
3/3/2011	9:00-10:00	Kyakubiri	Luganda	46

Omutwe : Essomero lyaffe nemiriraano gyalyo.

Ekiwayi : Omuliraano byegufuna mussomero

Ebigendererwa: Okwogera abomuliraano kyebafuna mu ssomero lyaffe.

- Okutuuma emirimu amannya.

Ensomesa : Okunnyonyola

- Okukubaganya ebirowoozo


Ekinyusi : Essomero lyaffe liyamba abomuliraano okubawa emirimu.


<u>Emirimu gyejino</u>

- Okusomesa
- Okuvuga emmotoka y'essomero
- Okuzimba
- Okusomesa
- Okubajja
- Okufumba
- Okulongoosa essomero nemirala

<u>Omulimi</u>

<u>Tuuma emirimu gino amannya.</u>







Ssebugulu bwanyomo – bulekerera ekkubo n'ebuyita mu wanda

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Emirimu gyabantu mukitundu kyaffe.

Ekiwayi : Okusoma emboozi

Ebigendererwa: Okusoma emboozi nokuddamu ebibuuzo

- Okukuba ebifananyi okulaga abantu nemirimu gyabwe.

Ensomesa : Okuwuliriza

- Okubuuza no kuddamu

Ekinyusi : <u>Emirimu gyabantu</u>

Okukola kintu kikulu nyo mubulamu bwaffe

Abantu mukitundu kyaffe bakola emirimu egyenjawulo okufuna emmere oba okufuna ssente. Okugeza omulimi alima emmere gyetulya, omuserikale akuuma eddembe, omubazzi abajja ebibajje nga emmeeza, entebe nebirala. Omusomesa asomesa abayizi, omuzimbi azimba ebizimbe, kinyoozi asala enviiri ate omutuunzi atunga engoye. Nze njagala kuba musomesa kubanga omusomesa yasomesa bonna.

<u>Omulimu</u>

1. Wandiika emirimu emirala essatu. egikolebwa mu kitundu kyawamu

2. Bano bakolera wa emirimu gyabwe?

   Omusomesa_____

   Omulimi _____

   Kinyoozi _____

3. Kuba ebifaananyi kumboozi zino

a) Omusomesa asomesa abayizi.

b) Kinyoozi asala enviiri.

c) Omubazzi abajja.

koyikoyi, Nina mukazi wange atambula azina

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Essomero lyaffe

Ekiwayi : Nakalazi webifo (prepositions)

Ebigendererwa: Okwogera ebifo ebintu webisangibwa

Okulaga ebintu ebimu webirekerwa ewaka ne kussomero

Ensomesa : Okukuba ebifaananyi

Okunnyonyola


Nakalazi w'ebifo bwebubonero obulaga ebintu w'ebiri

Ekinyusi : <u>Ebiraga ekintu wekiri</u>

<u>Okugeza</u>

wansi	waggulu	kungulu	kumpi
mumaaso	mabega	munda	nebirala

<u>Ebyokulabirako</u>



Omupiira guli <u>wansi</u> we ntebe




Ekikopo kiri <u>ku</u> mmeeza


<u>Omulimu</u>



Kkapa eri_____w'omuti.



Ekkalaamu eri _____kikebe.



Omuwala ali _____wa mmeeza.

nebirala

End of theme test

1. Wuliriza owandiike



   _____ _____ _____ _____

   _____

2. Menya abantu basatu abasangibwa ku ssomero

   _____ _____ _____

3. Tuuma bino amannya

4. Kuba ebizimbe bino byetusanga ku ssomero

Ebibiina	Ekiyunga	kabuyonjo

5. Saza ku bintu ebiraga essomero lyaffe
   a) yunifoomu yessomero
   b) ekikopo kyessomero
   c) bbendera yessomero
   d) ekipande ekiraga essomero

Kyosimba onaanya - Kyolyako ettoke

Olunaku	**Obudde**	**Ekibiina**	**Essomo**	**Omuwendo gwa baana**

Omutwe : Awaka waffe nekitundu mwetuli

Ekiwayi : Oluganda mu bantu bawaka

Ebigendererwa: Okwogera aboluganda abasangibwa awaka.

- Okwogera aboluganda ab'enju emu.

- Okusoma emboozi baddemu ebibuuzo

Ensomesa : Kubuuza nokuddamu

- Okukubaganya ebirowoozo

Ekinyusi :

Aboluganda betusanga ewaka

Taata , maama, abaana (abawala na balenzi), jjajja omukazi, jjajja omusajja, kizibwe nabalala

Ab'oluganda munju emu

Maama, taata n'abaana

Omulimu

1. Menya abantu bataano ababeera ewaka
2. Kuba abantu bano abasangibwa ewaka

maama	taata	abaana

3. Tuuma abantu bano betusanga ewaka





Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Soma emboozi eno oddemu ebibuuzo.

Amaka ga mwami Kiggudde

Mwami mutebi musajja wakitiibwa nyo. Alina omukyala omu n'abaana bataano. Ababiri bawala omuli Nakuya ne Namata, abalenzi kuliko Kato, Wasswa, n'e Kityo

Mwami Kigudde akola nnyo okulabirira amaka ge. Agula emmere eyokulya, engoye n'o kugunjula abaana. Mukyala we naye akola nnyo ng'alima, ayoza engoye, okufumba n'o kuyonja awaka. Abaana abawala bayambako maama wabwe okulongosa ennyumba, n'okufumba emmere, abalenzi nabo bakola ogw'okulima n'okusaawa awaka. Amaka gabwe masanyufu nnyo.

Ebibuuzo

1. Maka gaani agogerwako mumboozi ?
2. Mulimu abaaana bameka?
3. Maama akola mulimu ki awaka?
4. Ani agula emmere awaka?
5. Abaana abalenzi bakola mirimi ki awaka?

Kewerimidde - Kaakira mbegerako

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : **Awaka waffe nekitundu mwetuli**

Ekiwayi : **Emirimu egikolebwa awaka**

Ebigendererwa: **Okumenya emirimu egikolebwa awaka**

- **Okusoma nokukuba ebifananyi**

Ensomesa : **Okunnyonyola**

- **Okukubaganya ebirowoozo**
- **Okubuuza nokuddamu**

Ekinyusi :

<u>Awaka tukola emirimu egyenjawulo era gyejino</u>

- Okulima
- Okukima amazzi
- Okusiimula ennyumba
- Okwoza engoye
- Okwera oluggya
- Okwoza ebintu nebirala

Okuyunga emboozi ngabakozesa "ne"

- Maama lima. Taata alima
- Maama ne taata balima
- Nakato afumba. Nalumu afumba.
- Ssenga ne baaba bafumba

<u>Omulimu</u>

<u>Soma okube ebifananyi</u>

1. Kato ayera oluggya
2. Nalule ayoza engoye.
3. Maama afumba emmere.
4. Abaana bava kukima mazzi.
5. Taata alima.

End of theme test

1. Wuliriza owandiike

   _____ _____ _____ _____ _____

2. Wandiika abantu bataano betusanga ewaka

   _____ _____ _____

3. Kuba abantu bano abasangibwa ewaka

Jjajja omusajja	abaana	Jjajja mukazi	maama

4. Wandiika emboozi okuva mu kabookisi

Nalule	afumba	eggaali.
Kato	ayera	engoye.
Lumu	ayoza	emmere.
ssenga	avuga	oluggya.

a) _____

b) _____

c) _____

d) _____

Nyama ntono okayana eri mu nkwawa

Olunaku	**Obudde**	**Ekibiina**	**Essomo**	**Omuwendo gwa baana**

Omutwe : Awaka waffe nekitundu mwetuli

Ekiwayi : Ebisolo byetulunda awaka

Ebigendererwa: Okumenya amannya gebisolo byetulunda awaka.

- Okutuuma ebisolo amannya

Ensomesa : Okunnyonyola

- **Okubuuza nokuddamu**

Ekinyusi :

<u>Awaka tulunda ebisolo ebyenjawulo nga bino:-</u>

Ente embwa

Embuzi kkapa

Embizzi

Endiga

n'ebirala

<u>Omulimu</u>

1. Kisolo ki ekikuuma ewaka?
2. Wa ebisolo bisatu ebirundibwa ewaka
3. Kuba ebisolo bino ebirundibwa ewaka

akamyu	embwa	embuzi

<u>Tuuma ebisolo bino amannya</u>

.

Kezaala kekomberera

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Omubiri gwomuntu nebyobulamu

Ekiwayi : Ebitundu byomubiri

Ebigendererwa: Okusoma amannya gebitundu byomubiri.

- Okutuuma ebitundu byomubiri amannya.

Ensomesa : Okulaga

- Okubuuza nokuddamu

- Okukuba ebifaananyi

Ekinyusi : <u>Ebitundu by'omubiri</u>

Omumwa engalo amaviivi


Ennyindo amabeere enviiri nebirala

amaaso	omutwe
amatu	ebigere
ensingo	amagulu

Omulimu

Ebitundu bino biwe amannya.

(ennyindo,okutu,eriiso,omumwa)



2. Kuba ebitundu by'omubiri bino

omutwe	amaaso	amatu	ebigere	amannyo

Totta kibe – nga tekinakenena ndusu

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Omubiri gwomuntu nebyobulamu.

Ekiwayi : Emigaso gy'ebitundu byomubiiri

Ebigendererwa: Okumenya amannya gebitundu byomubiri

- **Okuwas emigaso gyabyo**

Ensomesa : Okukola ebikolwa

- **Okubuuza nokuddamu**
- **Okunnyonyola**

Ekinyusi : Ebitundu byomubiri

Ebitundu	**Emigaso**
amaaso	galaba
omumwa	gatuyamba okulaba
amagulu	gatambula
amatu	gawuliriza
ennyindo	ewunyiriza
engalo	zikwata
omutwe	gwettikka

Omulimu

1. **Saza obukubo kukituufu**


amatu	gatambula
ennyindo	gwetikka
omutwe	ewunyiriza
amaaso	gawulira
amagulu	galaba


2. Ebintu by'omubiri mubumi ne mubungi

eriiso _____
ennyindo_____

3. Wa emigaso gyebitundu by'omubiri

 _____

 _____

 _____

 _____

Mwana mugimu ava ku ngozi

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Omubiri gwomuntu nobuyonjo

Ekiwayi : Obuyonjo bwekifo mwetuli

Ebigendererwa: Okumenya ebifo ebyetaaga okukuuma nga biyonjo

- **Okunnyonyola engeri gyetubikuuma nga biyonjo.**

Ensomesa : Okukola ebikolwa


- **Okubuuza nokuddamu**

Ekinyusi :


Ebifo ebyetaaga okukuuma nga biyonjo

- Ekinaabiro
- Kabuyonjo
- Kasasiro
- Ennyumba
- Oluggya
- Effumbiro n'ebirala

Ebintu byetukozesa okweyonja




Ebbaafu ziri _____



Enjeyo ziri _____

Akatebe kali kamu _____

Okumenya n'okukuba ebintu byetukozesa okuyonja omubiri



_____



_____



_____



Omulimu

Soma okube ekifananyi.

1. Kato ayera oluggya
2. Musa asaawa oluggya
3. Naksi asiimula ennyumba
4. Nalule ayera effumbiro.

End of theme test

1. Wuliriza owandiike

   _____ _____ _____ _____ _____

2. Koloboza ku kituufu

amaaso	gawulira
ennyindo	gulya
ebigere	galaba
omumwa	ewunyiriza
amatu	bitambula


3. Kuba ebitundu by'omubiri

amaaso	amatu	ebigere

4. Tuuma bino byetukozesa okuyonja omubiri gwaffe



_____


_____


_____


_____

(amazzi, tawulo, ssabbuuni, ekyangwe)

Abataka abagalana – bebalima akambugu

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Emmere ne migaso gyayo

Ekiwayi : Ebika by'emmere

Ebigendererwa: Okumenya ebika by'emmere

- **Emmere ereeta amanyi**
- **Emmere ezimba omubiri**

Ensomesa : Okubuuza nokuddamu

- **Okunnyonyola**
- **Okukubaganya ebirowoozo**

Ekinyusi : <u>Emmere ereeta amaanyi</u>

muwogo omugaati

lumonde amatooke

bumonde akawunga n'ebirala

Emmere ezimba omubiri

amata ebyenyanja

enyama kawo

ebijanjaalo ebinyeebwa

amagi n'ebirala

Omulimu

1. Kuba ebifananyi by'emeere eno

   muwogo enkoko

   amagi lumonde

2. Saza ku meere ezimba omubiri

   lumonde omugaati kawo

   amagi amata omuceere

kami katono – okanyomera mitala wamugga

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Emmere nemigaso gyayo

Ekiwayi : Ebika by'emmere

Ebigendererwa: Okumenya emmere ekuuma omubiri nga mulamu

- **Okutuuma emmere amannya**
- **Okumenya ebizibu ebiva mu kulya obubi.**

Ensomesa : Okwawula

- **Okubuuza no kuddamu**
- **Okunnyonyola**

Ekinyusi : Emmere ekuuma emubiri nga mulamu.

amapeera emiyembe ennanansi

ensusuuti emboga karoti

emicungwa nakati ebbugga n'ebirala

Ebizibuy ebiva mu ndya embi

- Okukonziba
- Obulema
- Okugwaamu amaanyi n'omusaayi

- Okufa
- Okuziba amaaso

Omulimu


Biwe amannya.



_____



_____



_____

Olunaku	Obudde	Ekibiina	Essomo	Omuwendo gwa baana

Omutwe : Obubonero

Ekiwayi : Okukozesa obubonero (, .)

1. Tulina muwogo, lumonde ne kasooli.
2. Baganda bange be ba Kato, Wasswa ne Nakato
3. Kimera alina amaaso, amatu, ennyindo n'ebirala

Obubonero

Okukozesa obubonero (. , ? !)

1. Erinnya lyo gwani?
2. Maama abeera mu Kitete.
3. Maawo yani?
4. Omwana oyo nabba!
5. Jjajja wange naafa!

Okusoma ebiseera

Ekiseera ekiriwo	**Ekiseera Ekyayita**
alima	yalima
alya	yalya
afudde	yaffa

Wandiika emboozi zino mu kiseera ekyayita

Maama alima mu nnimiro.

Taata alya omuyemebe

End of theme test

1. Wuliriza owandiike

   _____ _____ _____ _____ _____

2. Menya emmere ezimba omubiri

   _____ _____ _____ _____

3. Saza ku mmere ekkuuma omubiri nga mulamu

   emiyembe amagi

   ennaanansi ebbugga

4. Kuba emmere eno etuwa amaanyi

muwogo	ettooke	obumonde	Kasooli


5. Koloboza emmere n'egyetugijja

   omucceere mu nnyanja

   muwogo mu dduka

   engege mu nnimiro

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/